**P360/2**
**LUGANDA**
(OKUKYUUSA,
OKUWANDIIKA EMBOOZI,
OKUSOMA N'OKUFUNZA
**Paper 2**
30 July 2018
**Essaawa 3**

# ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU

## Uganda Advanced Certificate of Education

## LUGANDA

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

(OKUKYUUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA N'OKUFUNZA)

**Essaawa Ssatu**

**EBIGOBERERWA***:*

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina:* ***A****,* ***B, C ne D.***

*Ebitundu* ***A****,* ***C*** *ne* ***D*** *bya buwaze.*

*Mu kitundu* ***B****, oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*

*Fuba oddemu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

 ***© 2018 Entebbe Joint Examination Bureau: Luganda*** **Bikkula**

## EKITUNDU A

**1.** Ddamu **1 (a)** ne **1 (b)**

(a) **Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.** *(0bubonero 15)*

After a prolonged fight with the Abarusura, the Baganda army was overwhelmed, which prompted Kibuuka to show up in his cloud. That day was so scary. It actually did rain with peals of thunder punctuating the occasion. Kibuuka killed many of the Abarusura soldiers but the survivors knew what to do.

The battle was so severe that it changed location every time. The cloud that used to stay in one place at the battlefield now shifted position, because the Abarusura were now aiming at it. Finally one of the Abarusura climbed a nearby anthill and shot at the dark spot of the cloud.

Alas!! Kibuuka was shot. Down he went and landed on the branch of a tall *mvule* tree, which dried instantly! The rain and the cloud followed suit. They instantly disappeared! The mighty had fallen!

The following day, Kibuuka was gotten from the top of the *mvule* tree *(which is still dry up to today*) and was buried across the roadside shrub where his shrines are even today.

(Extracted from: *O level Literature Simplified***, by Serunjogi Mukiibi**)

**(b)** **Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza.** *(Obubonero 15)*

TOWA BIROWOOZO BIBI BUDDE

Ebirowoozo birina amaanyi okusitula omuntu oba okumusuula ku ttaka. Ebikolwa by'omuntu tebyawukana na birowoozo bye kubanga omuntu nga bw’alowooza era bw’atyo bw’aba.

Mu bulamu buno obusoomooza ennyo, sisobola kukugamba nti weewale ebirowoozo ebibi, kubanga ekyo tekisoboka. Kya buntu okukemebwa okulowooza obubi naye kye ŋŋamba; weewale okubbira mu ddubi ly’ebirowoozo ebibi kubanga kino bw’otaakikole wandyesanga ng’okoze by’onejjusa oluvannyuma. Wano njogera ku birowoozo nga: okwenyooma, okwejerega, okulemererwa, okwerowooza nga ow’ekisiraani, n'ebiri ng’ebyo.

Abantu oluusi baagala okutukkirizisa nti bo tebalina busobozi kulowooza bulungi. Oli akugambira ddala nga ekirowoozo ekibi bwe kimulemeddeko mbu era tasobola kukyeggyako. Omuntu akalira ddala amaaso n'akugamba nga

bw'atasobola kukola kintu kya maanyi kubanga endowooza ye emugamba tajja kukisobola. Naye abaffe ka twebuuze, kiva ku ki ekirowoozo okusinza omuntu amaanyi?

## EKITUNDU B

Ddamu **2. (a)** *oba* **2. (b)**

**2.** (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga ***400.*** *(Buli mutwe obubonero 30)*

(i) Abazadde bebavunaanyizibwa ku kwonooneka kw'abaana mu mpisa ensangi zino. Kubaganya ebirowoozo
(ii) Obukulu bw'abaana mu maka g'Omuganda.
(iii) Omusika katono alusuulemu akaba
(iv) Emikutu gimukwanira wala gisaana kuwerebwa. Kubaganya ebirowoozo.

(b) Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko nga bw'olagiddwa mu bigamba nga ***200***. *(Buli mutwe obubonero 15)*

(i) Wandiikira omukuŋŋaanya w'olupapula lw'amawulire ng'omusaba okuyisaamu ekirowoozo kyo eri abasomi ng'olaga ebiyinza okuyamba okusitula omutindo gw'ebyentambula mu Uganda.

(ii) Oyitiddwa mu Chaina okusomesa mu mwoleso gw'ebyobuwangwa ogugendereddwamu okumanyisa Abachaina ebikwata ku Buganda. Wandiika by'onaasomesa ku buwangwa bwa Buganda.

(iii) Osangirizza muliraanwa wo Kigoonya ng'alwanagana ne mukyala we, gw'akubye obubi ennyo n'azirika. Ensonga ezibalwanya oziwulidde mu kavuvuŋŋano ako. Ab'obuyinza bazze okulaba ekibaddewo.Wandiika by'olabye.

(iv) Ggwe wawangudde akalulu ku bwa ssentebe w'ekyalo kyammwe mu kulonda okwakaggwa. Wandiika by'onaayogera eri abalonzi bo ku kabaga k'okwebaza abalonzi.



**Bikkula**

## EKITUNDU C

**Soma ekitundu kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa.**

*(Obubonero 20)*

## TOLOWOOLEZA MU LUKISAKISA

Ebintu tebimala gabaawo, bakola bikole era bibaako okweteekateeka. Abantu tebeesanga bwesanzi nga **ba nkizo**, babaako emitendera mwebaayita okukifuuka ekyo kye bali. Okuva ku lubereberye, Katonda yakola ebintu nga buli kimu kirina emitendera gyakyo mwe kiyita, kitubeerere eky'okuyiga nti teri kiva mu bbanga, buli kimu kibaako ensibuko ate ne gye kidda. Tunuulira ekiwojjolo, tekitandika nga kiwojjolo. Ggwe olowooza lwaki Katonda omuntu teyamukola nga ayogera w'aviira mu lubuto? Kino teyakyerabira bwerabizi, naye yayagala omuntu ayige kiyige ate mu mitendera egy'enjawulo.

Buli lw'olowooleza mu lukisakisa, obeera weekeereya anti olinda ky'otomanyi we kirijjira. Olwo obudde obwalibadde obw'omugaso n'oba nga ofiiriddwa bufiirwe mu ngeri **ey'ekyeyonoonere**. Tekikola makulu ggwe okutuula awo n'olinda ddi gavumenti lw'erikyuka mbu naawe ofune omukisa okugwa mu bintu; awo oba obaza lukisakisa. Olwo bw'erikyuka nga okaddiye nnyo? Ye bukakafu ki bw'olina nti eyo enajja enaaba eyo yennyini gy'oyagala? Ye okozeewo ki ekinaakusobozesa okulowoozebwako nga gavument empya ezze naawe okungule?

Kye kiseera okomye okutambulira mu bulamu obw'okulinda **olukisakisa**, otandike okulowooleza mu nkola *(methods),* n'emitendera *(processes).* Bwe wabaayo ekintu ddala kye bayita olukisakisa, kimanye nti era kikolera yeetegese! Mikisa emeka egyakakujjira egy'okufuuka Paapa nga tobeeranganako musaseredooti? Wasemba ddi okuzuukuka nga bakulinze ogendere ku kizuungirizi ekigenda ku mwezi? Ebyo munnange bibeera mu birooto naye si mu nsi ey'obuliwo!

Embeera y'okulowooleza mu lukisakisa etera kwettanirwa nnyo bantu abatanneezuula. Omuntu ono olw'okuba tamanyi ky'ali na ky'alina, kimubeerera kizibu okubeera n'ebiruubirirwa mu bulamu. Kibeera kyangu okumusanga ng'awangaalira mu mbeera ez'okutuula okuteega, anti taba na nsonga lwaki atambulira ku nkola n'emitendera. Talina kimuvuga.

Waliwo n'okuba ng'amanyi ky'ali ne ky'alina naye nga yeenyooma nga ne ky'alina akiraba ng'ekitakola makulu. Mu mbeera y'emu amaliriza abeerawo bubeezi kulinda **ntaanya** gye bagamba etta amenvu, y'eba emusalirawo. Eky'embi, entaanya teraga, ate era teteesa na muntu yenna bw'eba enaasalawo. Tuula **weevumbule**, omanye enkola n'emitendera mw'olina okuyita okutuuka gy'olaga!

Omuntu omulala asuubirira mu lukisakisa ye muntu eyaggwaamu essuubi. Ono emirundi egisinga aba amanyi ky'alina ne kyali era aba yagezaako naye ne bitakola nga bwe yali abisuubidde. Bwe kubeera kusoma ne diguli abeera yagifuna n'emirimu n'anoonyaako, naye egy'ebyo bye yasoma ne gibula, n'akoowa okusuubira. Bwe kuba

kusuubula, ono abeera yasuubulako emirundi egiwera naye nga afiirwa bya kitalo n'aggwaamu amaanyi.

Bambi ono abeera yakkiririzaako mu nkola n'emitendera naye n'alowooza nti bimuyiye, kwekusalawo obutaddamu kubyesiga. Awo nno sigenda kukugamba nti bambi gezaako gumu gwokka, ku luno kijja kukola, nja kukugamba ekituufu nti lemerako, teriiyo lugendo lutaliimu busozi na makoona naye tulina kuyiga buyizi okubyeyambisa ng'entindo ezitutuusa ku bumanyirivu obututuusa ku lyengedde.

**EBIBUUZO**

(i) Nnyonnyola omulamwa omukulu ogulambuluddwa mu kitundu kino.
*(Obubonero 02)*

(ii) Biki omuwandiisi by'alaze ebiremesa abamu okutuuka ku lyengedde?
*(Obubonero 06)*

(iii) Bukugu ki omuwandiisi bw'ayolesezza mu kitundu kino? *(Obubonero 07)*

(iv) Laga amakulu g'ebigambo ng'osinziira ku ngeri gye bikozeseddwa mu kitundu.
*(Obubonero 05)*

- (a) ba nkizo
- (b) ey'ekyeyonoonere
- (c) olukisakisa
- (d) ntaanya
- (e) Weevumbule

## EKITUNDU D

**Funza ekitundu ekikuweereddwa mu bigambo nga 100.** *(Obubonero 20)*

Buli muntu azaalibwa n'embeera ze ezaawuka ku balala. Ate oba ne bwemuba ba luganda oba balongo, ng'abazadde bombi be bamu era musobola okubeera ab'enjawulo mu mbeera. Kino Katonda bw'atyo bwe yakikola. Abamu bazaalibwa basirise, so ng'ate abalala boogeziyogezi. Waliwo b'osanga mu buzaale bwabwe nga bakwatampola mwattu ate nga n'abangu gye bali. Kati ggwe bw'osanga ayitimuse oba ayiseemu nga mwogeziyogezi akulowoozesa nti yenna anaayitamu alina kuba bw'atyo.

Ensobi eno etera nnyo okukolebwa abazadde. Bangi beesanga bavuma wamu n'okujerega abaana baabwe abatabafaanana mu mbeera. Omuzadde bw'aba mwangu mu bikolwa kyangu okuvuma obujega omwana omukwatampola. Kino ne kiviirako n'abamu okukula nga beenyooma nnyo wamu n'okuwulira ng' abatalina bisaanyizo. Waliwo ebintu bisatu bye twetaaga okwawula n'okutegeera okusobola okunnyonnyoka

ensonga eno: Embeera ez'obuzaale; okugeza obusirise, obwangu, okuwuliriza n'ebirala ebiringa ebyo. Bino omuntu tayiga biyige okuva ku balala naye atandika okutegeera nga bwatyo bw'ali, era tebiva mu muntu.

Embala; okugeza okwenyooma, ekyejo, amalala, amatanta, ettima, obukaawu n'ebirala ebiringa ebyo. Bino byo okwawukanako n'ebyasoose tetuzaalibwa nabyo era bisobola okuva mu muntu. Kiba kikyamu okugamba nti, gundi baamuzaala wa ttima, nti oba oli baamuzaala wa ntondo! Bino n'ebiringa ebyo bizimbibwa mu bantu okusinziira ku bye bayiseemu mu bulamu n'embeera zaabwe ez'obuzaale. Ekyokulabirako, okutulugunyizibwa kye kufuula omujagujagu si kye kufuula omukwatampola. Omuntu kusobola okumufuula mawaggali, ate omulala n'afuuka wa ntondo.

Enneeyoleka mu bantu yo kye kifaananyi omuntu ky'alaga mu bantu ky'ayagala batwale nti ky'ali. Kino kisobola okuba ekituufu oba ekipangirire, ng'akyambalidde abamulaba babeereko engeri gye bamulowoozaako. Ggwe abadde alowooza nti ebicupuli biri mu bya maguzi byokka ddamu weetegereze ojja kukizuula nti ate ne mu bantu biyitirivu. Bangi bagufudde musono okutambulirira mu bifaananyi bye batali. Wano wewavudde n'abamu okwepaatiika amannya ge balowooza nti gasobola okubooleka mu kifaananyi ekyekitiibwa mu balala.

Lumu nabuuza omuvubuka omu eyeeyita **'Tiger'** lwaki yali yeeyisizza mu ngeri etasaana n'anziramu nti teyabadde ye, mbu yabadde Tiger. Bwe namusaba antwale ewa Tiger yanziramu mbu 'Tiger' amwambala ng'amaze kunywamu. Eky'amazima saddamu kumubala nga muntu gwe nsobola okwesiga. Olw'ensonga nze sisobola kumanya ddi lw'aba ye na ddi lw'aba '**Tiger'.**

Wano nno we wali ekinyusi; Teweetaaga kubeera ekyo ky'otoli olyoke ogase. Teweefuula ky'otoli nti oganje era olowoozebweko ekyenjawulo. Ekyamazima omujagujagu asobola okuyitamu kyenkanyi n'omukwatampola. Ekyetaaga okukyuka mu ggwe si mbeera zo ez'obuzaale, wabula embala ensi gye yakuzimbamu. Ekikulu si kuba musirise oba mw'ogeziyogezi naye kuba wa mazima, mwesimbu, mwenkanya, munyiikivu, mukalaativu era omuvumu.

Buli lw'otambulira nu kifaananyi kye kintu ky'otoli oba ojja kumenyeka nnyo era oba wa kukoowa nnyo, anti kijja kukwetaagisa okukola ebintu bingi okuwangaaza ekifaananyi ekijingirire. Mu mbeera eno tosobola kunyumirwa bulamu.

Ekirala omaliriza ofiiriddwa,anti buli lw'olaga omuntu ekifaananyi n'akitwala nti oyo ye ggwe, oba nga amugambye nti era ekyo ky'aba akusuubirangamu, buli lw'olikikyusa enkolagana yo naye oba ogitadde mu lusuubo era tomunenya singa akyusa mu ngeri gy'abadde akulabamu.